Okubuulirira abalenzi

Posted by prettyd - 2008/06/18 22:27

Obwabboosi tobutwala mu kitanda

MUSULA mutya batabani bange. Leero mmwe abalina olufugirizo mmwe mundeese ekipayoppayo.

Abamu ku mmwe bwe mubeera babboosi ku mirimu gye mukola, ebitiibwa byammwe mwagala mubitwalire ddala ne mu buliri.

Kye mulina okumanya nti kino kiremesa abaagalwa bammwe okubawa laavu ennyuvu, kubanga babeera tebeetaaya bulungi.

Abamu temufaayo na kutegeka bannammwe mufubutuka bufubutusi nga mulowooza nti eby'okumudeddereza okulaba oba ali mu 'muudu' bya kumala biseera. Abamu muteekako n'okubalagira nti, 'Kyuka eno..' nga gy'obeera nti mwayombye dda.

Bwe muva awo ne mwagala sitayiro emu yokka ey'okubadda ku ddiba mwe ne mubafulubbalako waggulu. Mbu olwo ekyo kibalaga nti muli basukkulumu nnyo ku bo.

Ate nno era ntidde buti okwatuukiriza abamu abatawuunira ddala mu mukwano nga gugenda mu maaso era nga tebafuddeeyo kukwata ku balongo munne be yategana okumufunira asobole okuwoomerwa ebisoobooza bye.

Bino byonna bibi kubanga munno gw'oli naye oba tomuwadde mukisa kukulaga naye bw'alina obukodyo obukunyumisiza ennyintu.

Abalala temukkiriza na kubasiimuula ng'omuzannyo gwa laavu guwedde mbu kubanga mulina ensonyi oba temukwatwako, ate bwe muva awo ne mwemulugunya nti bakyala bammwe tebabamatiza mu mukwano.

Ekivaamu kwe kuwankawanka nga bannammwe bababuulidde ate bo nga bwe bagusinda.

Ate nammwe ne mukiraba nga bwe mugendako ebbali olw'okuba muba nga mukyayagala okwerungiya, ate yo laavu ebatabira okukamala.

Kye mulina okumanya nti mu buliri tewabeera bitiibwa ng'abamu ku mmwe bwe mulowooza, era buli lw'obikulembeza kibeera kizibu okunyumirwa omukwano, ate ne munno omumalako emirembe.

==========

Re:Okubuulirira abalenzi

Posted by rambuka - 2008/06/19 22:08

---

advice was good

==========

Re:Okubuulirira abalenzi

Posted by JeenaJulia - 2008/07/03 07:54

Mukyala wo tomugeya ng’oli n’abawala b’oganza

MULIYO mutya batabani bange. Mmanyi abamu mulina omuze gw’okuganza ebbali.

Ate abawala abo be muba mukwanye mubabuulira ebintu nfaafa ebibakwatako n ‘ebikwata ku bakyala bammwe ab’awaka.

Okuganza ebbali kikyamu, naye ate okudda ku maama w’abaana akufumbira awaka n’otandika okumugeyeza abawala b’okwana kya mutawaana nnyo.

Bangi mubategeeza nga bwe batamanyi kufumba n’okubalabirira nga kye munoonya be bawala abo okubakkiriza amangu nga balowooza nti ddala bye mwogera bituufu nnyo.

Wabula mmwe abakikola mumanye nti kikyamu kubanga muba muttattana maka gammwe, anti kuba mugaanise n’abawala abo ne batandika okubayisaamu amaaso.

Olwo omukwano n’omuwala bwe guggwaawo adda ku mukazi wo ng’amuvuma n’okumulangira byonna by’oba wamunyumiza.

Ate naawe kennyini ayinza okukutwaliramu anti ebyo byonna by’oba weeteteggula ng’omubuulira abeera yabitereka, ekiseera bwe kituuka n’omukyawa ng’akulaalaasa mu bantu bonna.

Ky’oteekwa okumanya nti munno bw’aba takusanyusa oluusi kiva ku ngeri gy’omuyisaamu. Bw’oba omuyisa ng’ekisiimuula kijja kubeera kizibu naye okukola ebikusanyusa.

Ate ne bw’onoofuna omulala n’omuyisa bw’otyo era ojja kwesanga nga takyakusanyusa.

Published on: Wednesday, 2nd July, 2008

==========

Re:Okubuulirira abalenzi

Posted by prettyd - 2008/07/28 23:14

Ebintu abasajja bye bataagala kukolebwa ku bakyala baabwe

GYE buvuddeko omuyimbi Bebe Cool yaggunda omusajja agakonde ng’amulanga kukwata ku kabina ka mwagalwawe Zuena. Okukwata ku kabina k’omukyala yenna nga bba oba omwagalwa we alaba ky’ekimu ku bintu ebinyiiza ennyo abasajja.

Ng’oggyeeko kino, bino wammanga by’ebirala abasajja bye batayagala bikolebwe ku baagalwa baabwe nga nabo weebali.

Okunywegera mukyalawe n’okumugwa mu kifuba. Muli abeera alowooza nti akikoze ayinza okusingako awo n’atandika okumukwana.

Okutwaka mukazi we mu ngalo n’atandika okuziweeweeta oba okuzitakulatakula.

okumuzza mu kyama ne batandika okwogera by’atawulira kyokka nga baagenze bombi ku mukolo.

Okuzza nga mukyala we awaka aleme kutambulira mu takisi.

Okukubira mukyalawe essimu ne mwogera olukobo ng’ate mulimu n’ebisesa oba ebireeta omukyala akamwenyumwenyu ku matama nakyo kya bulabe, nga bba waali kubanga atandika okulowooza nti ayogera ne mukyala we amukwana.

Okukwata ku mabeere ga mukaziwe abasinga ge batwala nga zaabu, oba okumukwata mu kiwato lubeera lutalo lwennyini kubanga ne mu mateeka ovunaanibwa.

Omusajja okugulira muk’omusajja ebyokulya n’okunywa nga muli mu kifo gy’amututte okwesanyusa nakyo kinyiiza nnyo abasajja. Muli alowooza nti omunyoomye ky’ova osalawo okugulira mukazi we ebyokulya ng’akabonero akalaga nti ye tamalaako.

Singa babeera bagenze mu mazina oba ku mukolo oguliko endongo ggwe n’otandika okwesiba ku mukyalawe okuzina naye nga tomuta kirumya bangi.

Okukyala awaka w’omusajja mu budde bw’atatera kubeerayo ate n’osalawo okutuula onyumye ne mukyalawe nakyo tekiba kirungi naddala singa bba abasanga.

Okuweereza ebbaluwa eyita omukyala ku mukolo gwonna ng’omwami tomuyise ate nakyo abasinga kibayisa bubi, kubanga olwo bba obeera ‘ng’amusiimuddewo’ Muli abeera yeebuuza lwaki ye tomuyise era abamu batuuka n’okugaana bakyala baabwe okugenda ku mikolo egy’ekika kino, oba bw’awalaza empaka n’agenda, bw’akomawo atuukira ku miggo.

N’olwekyo buli lw’obeera ne muk’omusajja oteekwa okwegendereza.

Published on: Monday, 28th July, 2008

==========

Re:Okubuulirira abalenzi

Posted by prettyd - 2008/07/31 21:12

Totwala bboggo mu buliri

Okubuulirira abalenzi

MULIYO mutya batabani bange. Leero mmwe abakaayuukira bannammwe ne mubawa ebiragiro nga muli eyo mwesanyusaamu mmwe be nzize okuwabula.

We nsaliddewo okuleeta omulamwa guno nga bawala bange abawerako bampandiikidde nga beemulugunya ku ngeri gye mubakwatamu nga muli eyo mu byammwe.

Balenzi mmwe musaana mweggyemu ‘obwa hajibusungu’ bwe mwessaamu buli we mubeera. Mukimanye nti buli lw’okambuwalira munno nga muli mu mbeera eno alemwa n’okutuuka ku ntikko y’omukwano.

Etteeka ekkulu kwe kumanya nti ekikolwa kya laavu ey’omu buliri tekirina kigendererwa kya kubonyaabonya omu ku mmwe. Wabula mwembi okuba nga munyumirwa. Naye abalenzi mmwe mumanyi okwefuula ab’ekitalo.

N’olowooza nti mukyala wo alina kukolera ku biragiro byo nga muli mu kitanda. Ggwe ssebo, ‘kyuka’ n’abanga ‘kyuka’ munno n’atuuka n’okukwetamwa anti nga byonna obyogeza busungu gy’oli alina ekikyamu kye yakukoze.

Enkola entuufu yandibadde nti bwe mutandika ebya laavu, ebintu biteekwa kwekola byokka , ng’ekimu kye kidda ku kinnaakyo.

Mulina okumanya nti ebyo bye mwekambuwaza tebiyamba era bannammwe byabatama dda lwa kusirika. Mulina okumanya nti ebyo oluusi bye bitta obwagazi mu bannammwe ne mutuuka kubanoonya nga tebavaamu wadde ettondo ly’otuzzi.

N’olwekyo kirungi mujjukire nti mu buliri amaloboozi gammwe galina okuba nga ga kigero agalimu ku laavu ne bannammwe bafune ekinyegenyege batandike nga n’okubeesunga.

Published on: Wednesday, 30th July, 2008

Email this article to a friend.

==========

Re:Okubuulirira abalenzi

Posted by JeenaJulia - 2008/08/10 10:01

I was a very happy person. My wonderful girlfriend and I had been dating for over a year, and so we decided to get married. There was only one little thing bothering me . . . it was her beautiful younger sister.

My prospective sister-in-law was twenty-two, wore very tight miniskirts,and generally was braless. She would regularly bend down when she was near me, and I always got more than a pleasant view of her private parts. It had to be deliberate. She never did it when she was near anyone else.

One day "little" sister called and asked me to come over to check the wedding invitations. She was alone when I arrived, and she whispered to me that she had feelings and desires for me that she couldn't overcome. She told me that she wanted to make love to me just once before I got married and committed my life to her sister. Well, I was in total shock, and couldn't say a word. She said, "I'm going upstairs to my bedroom, and if you want one last wild fling, just come up and get me."

I was stunned and frozen in shock as I watched her go up the stairs. When she reached the top she pulled off her

panties and threw them down the stairs at me. I stood there for a moment, then turned and made a beeline straight to the front door. I opened the door, and headed straight towards my car.

Lo and behold, my entire future family was standing outside, all clapping! With tears in his eyes, my father-in-law hugged me and said, "We are very happy that you have passed our little test . . . we couldn't ask for better man for our daughter. Welcome to the family."

And the moral of this story is: Always keep your condoms in your car!

==========

Re:Okubuulirira abalenzi

Posted by kapakiti - 2008/08/10 10:34

This one is beautiful bravo bravo jj. You know why? Before the end I was saying "coward coward" but bless you.

==========

Re:Okubuulirira abalenzi

Posted by rambuka - 2008/08/11 09:49

---

what a wonderful advice----jeen-julia----thanks for that article

==========

Re:Okubuulirira abalenzi

Posted by JeenaJulia - 2008/08/21 10:42

Mwewale okuganza bannakyeyombekedde

MULIYO mutya batabani bange? Leero njagala okubalabula ku bakazi abo bannakiyombekedde be mwegumbulidde okuganza ensangi zino.

Bangi mulina ensonga ze muwa ezibasikiriza okwagala abakazi bano, naye njagala okubategeeza nti kino kikyamu era mwesimira ntaana.

Wadde ng'abakazi ab'ekika kino balaga nti babaagala nnyo, naye musaana mukimanye nti ebizibu byonna bisibuka ku bakazi bano.

Endwadde z'obukaba baba na nfaafa kubanga eyo gye bayitira beegatta n'abasajja bangi ate ng'ebiseera ebisinga tebafaayo kwejjanjaba kuwona.

Weewaawo bamanyi okulaga laavu okusinga abawala abato, naye gye bakomya okukulaga laavu gye bakomya n'okukunyunyuntamu ssente okukkakkana nga bakulese sseke.

Jjukira abakazi abatuuse mu myaka gino baba tebalina kinene kye bakyeguya mu nsi okuggyako okweriira emyaka baba bali mu gya magoba.

Ggwe nno musajja wattu nga weemalamu. Ate bambi ebyo bye beekoza nga okubafukaamirira ebiseera ebisinga baba tebakiggya ku ntobo ya mutima, wabula babeera ng'abazannya katemba, ggwe olowooze nti ofunye omukazi akuwa ekitiibwa, era tayinza kubaako ky'akusabye n'otokimuwa.

Ggwe ate aba alabye bameka abamukwabudde? Era kiki ky'oba omulaga ekipya kyatalabangako alyoke akwagale ennyo okuggyako mpozzi okuba nti ggwe mu kisaawe oyinza okuba ng'omalayo essaawa nnyingi ko okusinga ku bannamukadde banne. N'okwekyo kirungi mubeewale.

==========

Re:Okubuulirira abalenzi

Posted by JeenaJulia - 2008/09/05 07:13

Amazzi g’ekyama

EMIKOLO gy’omu kitanda okunyuma ng’omukazi alina ensulo ezitakalira. Era omusajja yenna amanyi okutambuza ennyintu nga tanneesogga buziba ky’asooka okukola kwe kukebera munne alabe oba asumuludde ttaapu, alyoke abeeko ne kye yeekolera.

Abakazi nabo olw’obutayagala baagalwa baabwe kubakazaako mannya ga ‘bannabukalu’, basala amagezi gonna okulaba nga bafuna agaseereza ekkubo.

Ekibi nti ate abasajja bangi wadde amazzi gano bagaagala nnyo batono ddala abagaggyamu enjawulo. Abasinga oluba okukwatayo ne babaako ne kye bawulira balowooza nti kiwedde, nga batandika kukavvula bintu.

Ekituufu kiri nti, amazzi g’abakazi galimu ebika bina, era omusajja amanyi eyayiga obulungi ekyeso bw’abaako ne munne afuba okulaba ng’ebika ebyo byonna abifuna.

Agaseerera: Gano ge gasooka okujja, era mu bakazi abamu okulowooza obulowooza ku munne ne bw’aba tali naye yeesanga gazze. Ate bw’abeera mu kiseera w’asuulira eggi kiyitirira. Gaba meeru nga ganaanuuka ng’eminyira. Abasajja abasinga oluwulira amazzi gano balowooza nti kiwedde, nga balowooza kwesogga buziba. Kino tekiba kituufu era y’ensonga lwaki abamu oluba okwesogga nga bamalamu akagoba.

Kiba kirungi n’olindako amazzi ago ne gasooka gakendeera n’olwoka oyingira ng’akaseerezi kakendedde.

Agakambira: Gano ge gaddako era bw’okwatayo oba bw’oteekayo omusekuzo owulira ng’awakambira. Kino kye kibeera ekiseera ekirungi okuyingira kubanga ebinywa bya nnabunnya bijja kuba bikukwata bulungi kubanga obuseerezi bujja kuba butono.

Agalimu obwovu: Akaboozi kafaananako omusogozi w’omubisi. Omubisi ogummuse obulungi ogulabira ku bwovu obujja, n’omanya nti gulamye. Ne mu kitanda, omusajja bw’aba omulimu agikoze bulungi, alabira ku mazzi agabeeramu obwovu. Mu kiseera we gajjira, nabunnya akola amaloboozi agafaanana aga kkapa enywa amata. Amazzi gano ge gateekateeka omukazi okumalamu akagoba era ggwe omusajja bw’ogalaba ng’omanya nti munno oliko w’omutuuse, era anaatera okumalamu akagoba.

N’olwekyo bw’oba okyali oyinza okusooka okusala ku sipiidi n’omusekuzo n’ogussa ebbali munno aleme kutuuka ku ntikko nga ggwe tonnaba, ate bw’oba nga naawe wayidde dda ng’oyagala mulaliremu kumu akagoba kino ky’ekiseera oggyeyo akakodyo akamusumulula mutuukire kumu mu ggulu.

Agabuguma: Gano gajja ng’omukazi amazeemu akagoba era omusajja bw’aba tayambadde kondomu agawulirira ddala nga galinga agamunaaza. Singa aggyayo omusekuzo mu kiseera kino gubeera ng’oguva mu ssupu.

N’olwekyo omusajja bw’otandika okwegatta kirungi weetegereze amazzi gano n’enkyukakyuka yaago kikuyambe okumalako.

Haaaa ekyebuzibwa kili nti muba nobude obwo okufayo okugajamu enjawulo?????

==========

Re:Okubuulirira abalenzi

Posted by kingo - 2008/09/08 18:05

Mama nyabo, i have made some printouts so that i can do some revision during my free time.

==========

Re:Okubuulirira abalenzi

Posted by JeenaJulia - 2008/09/10 18:42

Abalongo abasajja babamanyi enkozesa?

‘Kanteekeko wano ku kugulu bambi’. Bano baabadde Munyonyo nga banyumirwa empaka z’embuzi.

ABALONGO kye kimu ku bitundu abasajja bye basinga okwettanira ku bakyala be bagenda okumeggana nabo. Era ng'oyagala okumanya obwagazi bwabwe gye bukoma ku "bazaalibwa ababiri" bano, babeera bamalirivu okukola buli ekiri wansi w'enjuba okutuuka ku mukyala eyabeekuliza obulungi.

Eky'ennaku, bangi gye bakoma okubaagala ate n'obutamanya kubakozesa! Ng'oggyeeko okuba ng'abamu tebabamanyi, yadde we basangibwa, ate n'abo abagezaako ebiseera ebisinga babimala mu kubatunuulira!

Abakyala bayita mu bingi okwewunda n'olwekyo, kimalamu amaanyi munno okumutuukako ate bye yamala ebiseera ng'akuteekeratekera n'obiyitako ng'atabirabye!

Obwagazi bwe mulina eri abalongo temubukomya mu kuboogerako n'okubalingiza, wabula mu busse ne mu kuyiga engeri gye babakozesaamu.

Mu nnyinyonyola ennyangu, abalongo bakola ng'enzigi ebbiri eziggala ekkubo eriyingira mu nnyumba omuli ebibala olw'emigaso enfaafa. Bw'ojja ng'oyagala okuyingira,sooka okonkone. Munno ayinza obutakubuulira naye abalongo balina olususu olugonvu ennyo nti bw'otabeera mwegendereza, engeri yonna gy'obakwatako oyinza okumulumya. N'olwekyo, bw'oba obakwatako, tovumbagira bavumbagire ng'abanadduka wabula, okubanjuluza obulungi ate n'ejjonjebwa ng'akwata ekyatika. Jjukira nti ekyo ky'okwatako ssi ggumba wabula emisuwa n'olwekyo, bw'owulira ng'engalo zo si mpeweevu, oyinza okukozesa olulimi (munno alina okuba omuyonjo), oba ssemusajja yennyini.Ssemusajja ono nga wamutuuzizza bulungi ku balongo, asobola okubeggulira ate mu ngeri ne munno gy'ajja okunyumirwa naawe weewuunye kuba ennyonyoogeze n'okunyumirwa ebinaava mu mbeera eyo ojja kubirabira ku g'emugga g'anaafukumula. Jjukira nti ku balongo bano kw'olabira oba omukyala akwetegekedde, atali mu muudu n'akooye by'okola era fuba okubekkaanya.

==========

Re:Okubuulirira abalenzi

Posted by rambuka - 2008/09/11 01:52

Naye Senga---bino obijjawa------i would like to talk to you privately---ask mike to connect us-he has my e-mail.senga-----i have something to ask you. I know you know me but can we talk?

==========

Re:Okubuulirira abalenzi

Posted by JeenaJulia - 2008/09/12 10:48

---

rambuka wrote:
Naye Senga---bino obijjawa------i would like to talk to you privately---ask mike to connect us-he has my e-mail.senga-----i have something to ask you. I know you know me but can we talk?[/quote

Rambuka of course we can talk,am going to give you a call ombuze kyoyagala okumbuza.Bwekinanema nkwongeleyo ewa ssenga Mutini.Deal or no deal???

==========

Re:Okubuulirira abalenzi

Posted by kamikatono - 2008/09/18 16:44

Nze nkimanyi nti ebintu Senga byawandiika ebisinga yabiyiiya, sso tebibeerayo in real life. Waliwo kyembuuza, lwaki tebabikuba mumawulire amalala, nabo babisomeko. Nga Rupiny, Orumuri, Etop? Abo bbo tebagala kuyiga byamubuliri, oba bazaalibwa babimanyi. Waliwo strategy endala?

Lwaki babikuba mu luganda lwokka? Eno ndowooza yange. Oyinza okugamba nti Senga amanyi luganda lwokka? Tewali mulala ayinza kubikyuusa?

Senga nkusaba onziremu.

==========

Re:Okubuulirira abalenzi

Posted by JeenaJulia - 2008/09/26 14:06

Munno muzzeemu amaanyi nga musinda omukwano

BATABANI mwebale emirimu. Mbasaba bwe muba munyumya akaboozi ne baganzi bammwe, mugezzeeko nnyo okubazzaamu amaanyi.

Leka kumusiriikirira ng'abayombye. Ne bwe muba mwayombye, jjukira nti ate kati muli mu mbeera ndala nnyo eyeetaaga ebigambo ebiwooma okulaba nga munyumirwa kye muliko.

Bwe mutandika okulya ebintu, ye bw'aba asiiyiriza gwe nti 'aaaaaaiiiiii...' nga naawe ogoberera. Ate bw'akuyita erinnya nga naawe olimuyita mu ngeri erega omukwano.Oyinza okulisalako. Bw'akuyita Mark nga gwe omuddamu nti wangi Naka.

Essanyu erinaabeera awo lijja kubatambuza olugendo lwammwe mutuuke ku mutala Ntikko nga mwenna mujjudde ebisooto anti enkuba ejja kutonnya ezibye n'okukeesa obudde. Bw'oba kale naawe obuwoomi bukuyitiriddeko nga tokyasobola kwatula bulungi bigambo, waakiri gezzaako okumumunya. Bwe muba musula mu buzigo buno obutaliiko siiringi, ebyabogezi sooka obiveeko osanyuse munno anti nabo gye bakoma okuwulira nga mutokosezza yingini ya laavu, ebibali mu mpale gye bikoma okubereega. Bwe baba bakazi, gye bakoma okwetobya nga nabo ekintu kibakutte omubabiro. Ate naawe omulenzi gy'okomya okuba nti osiiyiriza nga muli mu laavu ne munno gy'akoma okuba nga anyumirwa era n'okutuuka ku ntikko ya laavu omukwano gwe bwe guba nga si gwa bukuusa. Mukomye okuleeta olwa bboosi mu buliri bwe mujja okufuna essanyu eritasalikako. Tuddemu wiiki ejja! Mweraba.

Mbadde ndowoza okubaweleza akayimba ka Kafeero ..."Galenzi mwe" naye maama tekisoboke kuba message ekalimu sinagyekanya kampiteyo maale okawuliliza.Akuume God.

==========

Re:Okubuulirira abalenzi

Posted by JeenaJulia - 2008/10/07 09:19

Bansindikanjake mweyambise kaamulali

ABAKAZI gye bakomye okuyiiya eddagala eribazzaamu amazzi g'emugga abasajja ne batafuna buzibu nga banyumya akaboozi n'abasajja tebatudde.

Nabo bali mu kuyiiya n'okunoonya eddagala eribazzaamu amaanyi g'ekisajja baleme kutuuka ku lubimbi nga tebalina maanyi galima.

Eddagala lino baliteeka mu majaani oba kkaawa ono gwe tunywa.

Ekyama bakizudde mu kaamulali. Bamusekula ne bamuteeka mu majaani oba kkaawa ne bayiwa ku caayi ne beenywera mpozzi nga bw'oyinza okuteeka buddalasiini oba ekisubi ku caayi.

Abasawo b'ekinnansi abakola eddagala lino bagamba nti basinze kuliyiiyiza bagole naddala abagenda mu hanemuunu.

Mbu mu kiseera kino abakyala babeera n'essanyu lingi okutuuka ku kkula lino nga babeesunga okubasanyusa.

Kati omwami bwatuuka e Namboole nnaawoza nti ate afunye maasoppuulu omukazi ayinza okumunyiigira n'amuyombesa.

Wabula engeri abasajja gye batera okukoowa ennyom ku mbaga, abakazi ennaku zino bagula amajaani gano ne bagateeka m u nsawo zaabwe.

Eddagala lino era liyamba nnyo abasajja abalina endwadde nga sukkaali ezimalamu amaanyi g'ekisajja. Wabula ennaku zino abakyala bayomba nnyo nga bagamba nti abasajja baabwe tebakyabamatiza mu mukwano.

Beekwasa ebbula lya ssente, okukoowa n'ebintu ebirala. Mugezeeko okwerwanako munyweeze obufumbo.

NEBWOBA WELONDELAYO NABUNYOGOVU NAYE KAKAMULALI TEKAGYA KUMOLA BUBI...MUWE ANYWEKO :S

==========